


Aba China Mart Supermarket n'ebintu bye baawadde aba Sanyu Babies' Home.

# Abakuuma abaana abataliiko mwasirizi bennyamivu

Bya ISMAIL NSUBUGA

ABAKUUMA abaana abataliiko mwasirizi bennyamivu olw'omuwendo gw'abaana abasuulibwa ku nguudo okweyongera.

Akulira abaana abayingira n'okufuluma mu Sanyu Babies Home, Jessica Namulinde yagambye nti ebifo ebikuuma ebaana abataliiko ayagamba bitubidde n'abaana bangi kuba omuwendo gw'abasuulibwa gweyongera buli olukya.

Yagambye nti ku Sanyu Babies' Home balina ekizibu ky'okubanga abantu tebaagala kubatwalako baana balenzi ng'okusinga batwala bawala olwo ne batubira n'abalenzi abasussizza emyaka egibeera mu maka gano era nti bongedde amaanyi mu kusomesa ku bulungi obuli mu kuzaala abaana abawala n'abalenzi.

Bino Namulinde yabyogedde atikkula aba China Mart Supermarket abadduukiridde Sanyu Babies' Home n'ebikozesebwa abaana mu bulamu obwa bulijjo.

Ebintu bino okwabadde ebyokulya, okunywa, pampa, ebyokuzannyisa n'ebirala nga byetikkiddwa Arnold Katongole eyagambye nti biweereddwaayo okutangira okusaasaana kwa Ebola.